# Aba PEAK ECLAT Junior School bazzeemu okweriisa nkuuli mu PLE

OLUKIIKO olukulira essomero lya PEAK ECLAT JUNIOR SCHOOL erisangibwa e Kalungu ku luguudo oluva e Kampala okudda e Masaka luyozaayoza abayizi, abazadde n'abasomesa olw'okukuuma omutindo mu bigezo ebya PLE.

Kinajjukirwa nti omwaka 2024 baatuuza abayizi 16 era bano bonna baayitira mu ddaala erisooka. Ne ku mulundi guno mu mwaka 2025 baatuuza abaana 16 era bonna baayitidde mu ddaala erisooka. Abayizi bana baafunye obubonero buna (4), munaana baafunye obubonero 5 ate nga abaasigaddeyo abana baafunye obubonero 6.

Okwawukanako n'omwaka oguwedde, ku mulundi guno baakola n'ebibuuzo ebya I.P.L.E era nga mu bino baatuuza abayizi 17 nga bano baayitira mu ddaala erisooka, ng'abayizi 12 baafuna obubonero 4, basatu baafuna obubonero 5, babiri ne bafuna obubonero 7.

Nga bw'eri enkola yaffe wano ku Peak Eclat Juniors School tetukoma ku kubangula abayizi mu bya kibiina byokka wabula n'ebitone byabwe, empisa, eddiini n'ebyemizannyo tubissaako nnyo essira nga n'omwaka oguwedde ffe twawangula ekikopo eky'abawala abali wansi w'emyaka 13 ekya Watoto Christmas



**Habib Ssekadde, Principal w'essomero**

Cup. Peak Eclat Juniors School era ye yakiikirira disitulikiti y'e Kalungu e Yumbe mu mpaka z'abatasussa myaka 12 mu balenzi ne mu bawala era yakoma ku luzannya oluddirira olw'akamalirizo.

Peak Eclat Juniors School ye yasinze mu Greater Masaka ate yakutte kyakubiri mu Uganda yonna

Bakyawandiisa abayizi mu ssomero lino wabula ebifo bisigadde bitono nnyo mu bibiina byonna.